# Poliisi e Mbale ekutte abayizi 6 ku by'okuteega ab'essomero eddala ne balwana

Bya PONSIANO NSIMBI



Abavubuka nga bagudde ku munnaabwe ekiyiifuyiifu nga bamukuba ku kkubo e Mbale.

POLIISI y'e Mbale ekutte abayizi b'essomero lya Nkoma SS abagambibwa okwenyigira mu bulumbaganyi obwakoleddwa ku muyizi w'essomero lya Mbale Progressive.

Omumyuka RCC Mbale Industrial City, Hamza Banja yagambye nti, abayizi mukaaga abaakwatiddwa ba Nkoma SS nga baalabikidde mu katambi akaasaasaanidde emikutu emigattabantu nga bakuba omuyizi wa Mbale Progressive ku Lwokubiri akawungeezi.

Banja yategeezezza nti, omuyizi eyakubiddwa yalumiziddwa nga mu kiseera kino ali mu kufuna bujjanjabi ng'abo abakwate bakuumirwa mu kaduukulu ka poliisi era nga balinze kuwabulwa kuva wa muwaabi wa Gavumenti ku ky'okubakolera.

Yagambye nti, omuze gw'abayizi okulwanagana gwongedde okukula mu Mbale ng'obuzibu abutadde ku mujjuzo mu masomero gano ate nga gonna galiraanaganye.

"Tufuba nga abakulembeze okwogera n'abayizi naye embeera olumu ezibuwala olw'obungi bwabwe," Banja bwe yategeezezza.

Yalumirizza nga bwe waliwo obubinja bw'abamenyi b'amateeka abalala abakozesa omukisa guno okwegatta mu bayizi okukola ebikolobero kyokka nabo tebatudde.

Obulumbanyi buno bwabadde ku kyalo Namakwekwe mu North Division mu munisipaali y'e Mbale ku ssaawa 11:00 ez'akawungeezi ku Lwokubiri kyokka ng'ekyavuddeko obuzibu ne poliisi ekyakitankana.

Ensonda ku poliisi y'e Mbale zaategeezezza ng'abamu ku bakwate bwe bataweza myaka 18 nga kati balinze kuwabulwa kunaava ew'omuwaabi wa Gavumenti.

Imaam w'omuzikiti gw'e Namakwekwe, Uthman Mukote yategeezezza nti, nga omukulembeze, yakwatiddwaako nnyo olw'ekikolwa kino n'ateeka akatambi ku mukutu gwe nga yeebuuza ekiyinza okukolebwa okumalawo omuze guno kuba omwaka oguwedde waliwo omuyizi eyafiira mu kulwanagana okw'ekika kino.

Abakulembeze ab'enjawulo baasitukiddemu okunoonyereza ku nsonga eno okwabadde n'omubaka wa Pulezidenti Banja okusobola okukwata abagambibwa okubeera emabega w'obulumbaganyi buno.

Ssentebe w'abavubuka ba NRM mu kibuga Mbale, Pius Martin Mode yategeezezza nti, obubinja buno bulimu n'abatali bayizi abeerimbika mu yunifoomu z'amasomero mu kukola effujjo n'obulumbaganyi nga bakolagana n'abamu ku bayizi abalina obutakkaanya ne bannaabwe okuva mu masomero amalala ng'embeera eno yatandikira mu kiseera ky'okusala embalu omwaka oguwedde.

Mode obuzibu yabutadde ku masomero ga Gavumenti n'abazadde abatafaayo ku nneeyisa y'abayizi ssaako omujjuzo mu masomero gano.



Omuvubuka abatuuze gwe baakutte nga bamulumiriza nti, ye yakulembedde ebbiina eryakubye omuyizi.